


Gen. Muhoozi (wakati), minisita Tumwebaze ne Ruth Aceng (ku ddyo).

# Muhoozi ataddewo ensawo y'entandikwa okutumbula abavubuka

Bya MUSASI WA BUKEDDE

OMUDUUMIZI w'amagye g'eggwanga, Gen. Muhoozi Kainerugaba ataddewo ensawo egenda okuyamba abavubuka okufuna ssente z'okwekulaakulanya.

Ensawo eno Muhoozi agitaddewo okukola nga 'Nsindika Njake' eri abavubuka abalina pulaani ez'okutandikawo bizinensi mu by'Obulimi ebikola ssente, amakolero amatonotono n'ebya tekinologiya.

Eggulo Muhoozi yasisinkanye bboodi egenda okuddukanya enteekateeka eno era nga ye ssentebe waayo, mu nsisinkano eyasookedde ddala, nga yabadde mu kibuga ky'e Fort Portal.

Muhoozi yagambye nti ensawo eno egendereddwaamu okuyambako pulogulaamu za gavumenti okugeza ssente z'oku miruka (PDM) era zigenda kuyamba abawejjere naddala abavubuka b'omu bibuga.

Buli muntu anaaganyulwa mu ssente zino, ajja kufuna ssente ezitasukka 1,000,000/- era nga abanaazifuna tebateekeddwa kuzikomyawo, ekitegeeza nti si za kwewola.

Muhoozi yagambye nti okusasulwa kwayagala kwe kulaba



ng'eyatutte ssente akulaakulana. Wagenda kuteekebwawo ekibanja ku yintanenti abaagala okusaba ssente zino bayite okwo. Ebisingawo ku ani anaafuna ssente zino, bigenda kusangibwa ku kibanja kino.

Ensawo etandise ne ssente akawumbi kalamba, era Muhoozi ne bboodi baasuubizza nti bagenda kwongera okunonya ssente endala, zisobole okuyamba abantu abawerako.

Ebitundu 30 ku 100 ebya ssente zino bigenda kuweebwa bakazi, era wagenda kubaawo obwenkanya mu ngabanya ya ssente zino mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo.

Bboodi egenda okuddukanya enteekateeka eno etuulako Minisita w'ebyobulamu Jane Ruth Aceng, Minisita w'ebyobulimi Frank Tumwebaze, Edwin Karugire ye muwandiisi, kwossa Munnamawulire Andrew Mwenda.